

21st May 2017.

OKWOLESEBWA KWA DANYERI OKW'ENDIGA ENNUME
N'EMBUZI ENNUME.

Danyeri 8.

[Lumu omulenzi omuto ng'atunuulira kitaawe eyali omusumba w'ekkanisa ng'awandiika obubaka bwe yali atekateeka okusomesa ku ssabiiti. Yamubuza nti "Taata omanya otya byonna by'ob'ogenda okwoogera?" Kko yye nti "Lwaki? Katonda ambuulira eby'okwoogera". Kko omulenzi nti "Ohhoh, lwaki nkulaba osazaamu by'owandiika entakera?!"]

Obubaka nga bwe tusomesebwaamu mu kitabo kyaffe ekya Danyeri mu ssuula zino ssi bwangu, era nga nnyini bbufuna bwe bwamunafuyanga, ne bumwelariikiriza olundi n'okumulwaaza nga bwe tubuulirwa mu ssuula ey'aleero, kyokka era buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋanya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okuterezanga, olw'okubuulirira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi.(II Tim.3:16,17).

[Tusabe nga tuwongayo okusomesebwa kwa leero....]

Tusome; Lnyy.1&2....

Nga bweguli ottuwa obukakafu bw'ebyawandiikibwa, tuweebwa ebiseera n'ebifo ebituufu mwe by'abaawo ebiwandiikibwaako.

Omwaka ogw'okusatu lwe luvannyuma lw'emyaka ebiri okuva Danyeri lwe yafuna ekirooto eky'atuweebwa mu ssuula ey'omusanvu, ky'akoonako, era nkiwa kuba okw'olesebwa kuno kwalimu ebifaanana n'eby'ekirooto kiri, okuba nti bwaali bukakafu bw'akutuukirizibwa kwa byonna bye yayolesebwa.

Nga bwe kuli okwolesebwa, teyali mu kibuga Susani, wabula yelaba yo. Yye yali Babulooni ku mirimu gya Kabaka Berusazza.

Susani kye kyaali ekibuga ekikulu eky'Abameedi n'Abaperusi, eky'ogerwaako mu biro bya Nabagereka Eseza, mu bufuzi bw'Abameedi emyaka egyaddako.

Tusome okwolesebwa kwe kwaali..nny.3 -14.....

Kati osanga naffe tulinga Danyeri bwe yali nga tweewuunya ebyo byonna kye bitegeeza, nga bwagamba mu nnyy. 15-17, nti.....

Kyokka olw'ekitiibwa ky'Obwakatonda Danyeri yafaintinga! Lny. 18

Amakulu gaweebwa tusome....nny.19 -25.....

Lny 19; Mukama y'agera era n'ateekateeka ebiseera n'ebiro na byonna oba bonna mu bbyo, akakasibwe Obwakatonda bwe obw'enkomeredde.

Mu biseera by'okutuukirizibwa kw'okwolesebwa kwa Danyeri kaakano mu byafaayo byaffe emyaka gyaalinga 350 okuva lwe yakufuna n'abiwandiika. Kyokka era ebimu biwa ekifaanani ky'oyo Akontana ne Kristo(Anti-Christ) alibaawo mu biro by'enkomerero ddala, naye alikola ng'ebyo eby'akolwa omusajja eyali Kabaka Antiyoka Epifani, eyava mu bwakabaka obwafuga Abasiiri, obwaali obumu ku buna obwaava mu bufuzi bw'Abayonaani.

Lny.20; Endiga ennume, ng'eddubu (ssuula 7), era nga ffeeza(2) bwe bwaali obufuzi bw'Abameedi n'Abaperusi, era abaalina Endiga ennume ku coat of arms zaabwe.

Lny. 21; Embuzi ennume endaawo, era ng'engo (ssuula 7), era ng'ekikomo(2), ye Kabaka w'eBuyonaani, eyayatiikirira ennyo Alexander Omwaatiikirivu(The Great), eyawamba ensi emanyiddwa mu biro ebyo mu bbanga lya myaka 6, kyokka n'afa ng'alina emyaka 33, nga tazadde na mwana mmusikira. Obwakabaka ne bulwanirwa era oluvannyuma lw'emyaka 22,[eky'ewunyisa nti kitubuulirwamu Lny.22!] ba genero be bana ne babugabana.

Okuva ku Lny.23-25, tubuulirwa ku Kabaka Antiyoka Epifani eyakaabya Abayisirayiri akagiri, n'avvoola yeekaalu, n'atta bangi ku bbo, n'avvoola Katonda wa Isirayiri, nga y'eyita na Katonda, olw'obujeemu bwa ba Kabona abaaliwo mu biro ebyo, n'effugabbi lyaabwe ebyakyaayibwa nnyo Mukama n'okuwaayo n'awaayo ensi ne Yeekaalu okutyooloolwa etyo!

Era nga bwe guliba mu biro by'enkomerero y'ensi ebirijja, kyokka nga bwe gwaali eri Antiyoka Epifani, Mukama Katonda mwennyini y'amweggirawo okulaga obuyinza bwe ku bonna nga bwe tubuulirwa mu 25 gye lukomekkerezebwa.

Ennaku 2,300 era bwe zaali mu kutuukirizibwa ddala okutuusa Bamakabi lwe baatukuza Yeekaalu mu kwegulunga eri obufuzi bwa Antiyoka.

[Soma Lny.26].

Danyeri yaweebwa amagezi okusirikira okwolesebwa, kyokka abiwandiike bigase aby'omumirembe gyaabyo abalibitegeera kubanga era mu kiseera ekiwanvu ennyo tewaali nabbi mu biro ebyo byonna mwe byaatuukirizibwa, kyokka ng'ekitabo kya Danyeri kyasomwanga nga bakabona balabira ddala ebyaamu bituukirizibwa. Lny. 27.....

Zabbuli 74, bw'ogisoma olabira ddala eby'omubiro bino ebitusomesebbwa bwe byawandiikibwaako ne mu biro bya Dawudi nga ne Yekaalu ttenazimbwa.

[Eyinza okusomesebwa obudde bwe buba bumala.]